KAMPALA BAPTIST CHURCH.

Okuyigirizibwa Baibuli mu wiiki eggwaako nga 18 Mukulukusa bi.. 2020.

OMULAMWA: <u>Katonda ow'ekisa.</u>

<u>Bbalaza:</u> Yoswa 2:1-8: Abakessi bagenda kuketta ki? Olowooza lwaki baagenda mu nyumba ya malaya?

<u>Lwakubiri:</u> Okuva 19:29, 21:9 ne Okubala 25: Lwaki Katonda yateekawo ebibonerezo ebikakali ku bwa malaya? Gerageranya ne 1 Abakkolinso 6:19-20.

<u>Lwakusatu:</u> Yoswa 2:9-11: Ebigambo bya Lakabu bitubuulira ki ku kyali kigenda mu maaso mu mutima gwe? Kiki kyakkiriza ku Katonda wa Isirayiri? Biki by'oyiga ku Lakabu?

<u>Lwakuuna:</u> Abaebbulaniya 11:31, Yakobo 2:25: Lakabu lwaki bamwogerako bulungi? Katonda ayozayoza Lakabu olw'obulimba? Waliwo lwe kyetaagisa okulimba? Gerageranya ne Okuva 20:7 ne Abakolosaayi 3:9.

<u>Lwakutaano</u>: Yoswa 2:11: Ebigambo bya Lakabu bitubuulira ki ku ngeri abantu be Yeriko gye baali balowooza ku baana ba Isirayiri? Wetaaga kutambula otya abantu okulaba omulimu gwa Katonda mu bulamu bwo?

<u>Lwamukaaga:</u> Abaebbulaniya 11:31, Yakobo 2:25 ne Matayo 1:5: Lwaki malaya bamwogerako bulungi emirundi esatu mu Endagaano Empya? Kino kitubuulira ki ku ngeri Katonda gyalabamu abonoonyi ne kibi? Gerageranya ne 1 Abakkolinso 1:26-31.

<u>Ssande:</u> Okuva 9:16, Abaruumi 11:6, Yokaana 1:16, Abaefeso 2:8-9 ne Abaebbulaniya 11:31:

Olaba essuubi mu bulamu bwa Lakabu?

Lwaki?